# Abakyala babakuutidde ku kookolo

Bya JUDITH NALUGWA

NG'OMU ku kaweefube w'okutumbula obujjanjabi mu ggombolola ya Ssabawaali Kasanje mu Wakiso, aba Rotary Club ya Bwebajja bakwataganye n'abenju y'omugenzi Laubeni Ddyeko Sserwanga ne bakuba olusiisira lw'ebyobulamu mwe bajjanjabidde abatuuze abasusse mu 1,000. Bano baakebeddwa endwadde ez'enjawulo n'okubawa eddagala ku bwereere.

Olusiisira lw'ebyobulamu lwakubiddwa ku ddwaaliro lya Sserwanga Memorial Hospital, ku kyalo Sokolo mu ggombolola ya Ssaabawaali Kasanje. Aba ffamire y'omugenzi Laubeni Sserwanga Ddyeko baakwataganye ne bannalotale aba Club ya Bwebajja mu kujjanjaba abatuuze mu ggombolola eno.

Pulezidenti omulonde owa Rotary Club ya Bwebajja, Sylivia Nabakadde yategeezezza nti obujjanjabi kye kimu ku bintu Rotary by'essaako ennyo essira, n'agamba nti kino bakikoze okulaba nga batuusa obujjanjabi ku bantu abatalina busobozi kugenda mu malwaliro manene, n'asuubiza okutwala enteekateeka eno mu maaso.

Abalwadde naddala abaana abawala baasoose kufuna musomo ogwabaweereddwa Lasto Kajubi eyabakuutidde okujjumbira okwekebeza kookolo w'omumwa gwa nnabaana n'okwewala okwetaba mu bikolwa by'omukwano nga bakyali bato.

Omwami wa Kabaka, Laubeni Kalibbala Sserwanga nga ye mukulu w'oluggya luno yagambye nti nga bayita mu Sserwanga Foundation, baasazeewo okuzimba eddwaaliro olw'ebbula ly'obujjanjabi mu kitundu. Yategeezezza nti balina abantu 1,347 kyokka bano batambula eng'endo mpanvu nnyo okunoonya obujjanjabi. Bano baawayo ettaka lya yiika 16 bazimbeko pulojekiti ez'enjawulo okuli n'eddwaaliro wamu n'ekifo ekitendeka abasawo.

Munnalotale, Yusuf Kalanzi Sserwanga, omukwanaganya wa Sserwanga Memorial Hospital, yagambye nti beetoolododwa amasomero mangi kyokka tegalina bujjanjabi bumala. Agambye nti ekigenderwa kya kukyusa byabulamu mu kitundu.

Pulezidenti Hassana Nyenje owa Bwebajja asiimye enteekateeka ya Sserwanga Foundation n'ebitongole ebibayambye ku lusiisiira lw'ebyobulamu.

JUDITH NALUGWA



Aba Rotary ya Bwebajja nga bateekateeka eddagala eryaweereddwa abaafunye obujjanjabi.